# OLUNAKU LW'ABAGALANA MUBUSIRAAMU

**BYAWANDIKIBWA:**

**DR. ABUDALLAH BUN RADHI AL MUAYIDY AL SHAMURY.**

**NEBIVVUNULWA:**

**FAROOQ ABDULNOOR NTANDA.**

# عيد الحب في الإسلام

## باللغة اللوغاندية

**كتبه**

**د. عبدالله بن راضي المعيدي الشمري.**

بسم الله الرحمن الرحيم

# OLUNAKU LW'ABAGALANA MUBUSIRAAMU

AMATENDO AMLUUNGI ERA AMAJJUVU GA ALLAH NANYINI BUYINZA, EYATONDA EGGULU NENSI , NATONDERAMU OMUNTU NATAMULEKA TTAYO WABULA YAMUTUMIRA ABABAKA ERA NAMUTEERAWO AMATEEKA G'ALINA OKUTAMBULIRAKO ASOBOLE OKUTUUKA GYALI MUMAASO GE NGA ASIIMIDWA. NZIZAAKO OKUSABA EBYENGERA NEMIREMBE BIBEERE ERI OWEKITIIBWA OMUBAKA MUHAMMAD (S.A.W) OYO EYALAFUUBANA OKULABA NGA ATUYIGIRIZA EDIINI Y'OBUSIRAAMU AWAMU NE BASWAHABA BE N'ABENYUMBA YE NAABO ABABAGOBERERA MUKUKOLA N'OKULAGIRIRA OBULUUNGI OKUTUUSA ALLAH LWALIZINGAKO ENSI ENO. AMEEN.

OBUSIRAAMU DIINI EBUNA BULI KINTU KYONNA ERA NGA ESAANIRA BULI MULEMBE GWONNA, NABWEKITYO KUMULUNDI GUNO TWAGALA TULABE OBUSIRAAMU BWOGERA KI KULUNAKU LWABAGALANA (VALENTINES DAY), OKUSOOKERA DDALA TUTEKEDWA OKUKIMANYA NTI ENNAKU EZISINGA EZIKUZIBWA ZITWALIBWA OKUBEERA NGA  OBUBONERO BWENZIKIRIZA, NGA OMUNTU YENNA ALINA EDDIINI OBA ENZIKIRIZA GY'AKIRIRIZAAMU AKUZA ENNAKU ZAAYO, ERA TAKUZA NAKU NDALA ZITALI ZANZIKIRIZA YE, ERA TUSANIDDE OKUKIMANYA NTI OKUVA KUMULAMWA NOBUBUZE BIRINA AMAKUBO ERA NGA EKKUBU LYOBUBUZE ERYANGU LYERYOKUFUULA

ABATAKIRIRIZA MU ALLAH OKUBEERA BANFANFE BAFFE, ERA BWEKUBA NTI OKUBAFUULA BANFANFE BAFFE NAKWO KULINA ENDAGIRIRO,OKUBAKOPPA YENDAGIRIRO ENYANGU.

N'OKUBAKOPPA BWEKUBA NGA NAKWO KULINA OMUTWE, EKY'OKUKUZA ENNAKU ZABWE GWEMUTWE GWAKYO OMUKULU.

ERA EZIMU KUNNAKU EZ'AGAANIBWA MUBUSIRAAMU NGA OKUZIKUZA KUKYASE NYO ENSANGI ZINO ERA NE ZISAASANYIZIBWA NYO EMIKUTU GYAMAWULIRE NEKUMUTIMBAGANO, LWE LUNAKU LWABAGALANA (VALENTINES DAY) MULUFUUTI FUUTI. OLUNAKU OLWO LWATUMIBWA ERINYA ERITALI LYALWO, MUMBEERA YAKUTTIRIRA, NAKUBUZABUUZA, BAALUTUUMA ERINYA EDDUNGI ERYEKITIIBWA OLWO BASOBOLE OKUSENDA SENDA EMITIMA GY'ABANTUBALAMU ABAKKAKAMU GISOBOLE OKULUKKIRIZA, BALUTUUMA LUNAKU "LWABAGALANA" NAYE NGA MUBUTUUFU LUNAKU LWAKKUMPANYA NAKUKWENYA KWENYA NAKUKAKKANYA. BASASAANYA OBWONONEFU NGA BABUBISSE MUNGOYE ENNUNGI EZ'EKITIIBWA, MWATU ATEERA NGA ENO NKOLA YA SITAANI OKUVA EDDA NEDDA. ALLAH YAGISWAZA MUKITABO KYE EKITUKUVU "QUR'AN" ERA NABIKKULA EMBEERA ZAAYO ERI ABADDU BE ABAKKIRIZA, NAGAMBA KUNKWE ZAAYO ERI KITAFFE ADAMU NE NYAFFE HAWA

SURAT AL A'RAAF 21. { وقاسمهما إني لكما لمن الناصحين }

BWETYO SITAANI BWEYALI NGA ESENDA SENDA ADAMU NE HAWA BALYE EKIBALA ALLAH KYEYABAGAANA " YABALAYIRIRA NEBAMBA NTI MAZIMA NZE NDI MUBUULIRIZE ERA OMUWI WAMAGEZI JEMULI".

## *EBWAFAAYO BYOLUNAKU LWABAGALANA*

JENVUDDE W'OLUNAKU LUNO OKUSIINZIRA KUBYAFAAYO BIRAGA NTI ABASAMIZE ABALOOMA BAALI BAJAGUZA ERA NEBAKUZA OLUNAKU LWA NGA 15/02 BULI MWAKA.

ERA OLUNAKU OLWO LWALI NGA EWABWE LUTUUKIRA MUBISEERA BYAKUWUMMULA. ERA MUMBEERA YEMU NABAKULISITAAYO MUNTANDIKWA YE NJIRI YABWE OMUSAJJA EMPULA QUDAIS II (OWOKUBIRI) YAYISA EKIRAGIRO EKIKUGIRA WAMU NOKUGAANA ABAJAASI OKUWASA. WABULA KABONA OMUSAJJA OMUKULISITAAYO AYITIBWA VALENTINO YAWAKANYA EKIRAGIRO EKYO ERA YE YALINGA AGATTA ABAFUMBO BANNAMAJE MUNKUKUTU OBA MUKYAMA,

OLUVANYUMA LWEKISEERA OMUKULU ( EMPULA QUDAIS) AMAWULIRE GAMUTUUKAKO NGA KABONA BWEYALI AGATTA ABANTU BEYAGAANA OKUWASA, KABONA YAKWATIBWA NATWALIBWA MUMBUZI EKOGGA OLUVANYUMA JEYAJJIBWA NASSIBWA KUKALABBA, WABULA NGALI MUKKOMERA NAYE YAGWA MUMUKWANO NOMWANA OWUWALA WOMU KUBAKUUMI BEKKOMERA ERANGA NAKYO YAKIKOLA MUBUBBA KUBA ENZIKIRIZA YABWE EGAANA BAFAAZA NE BAKABONA OKUWASA WADDE OKUBEERA MUMUKWANO NABAKYALA. NEWANKUBADDE GWALI BWEGUTYO EBIKOLWA BYE BYALI NGA BIRAGA NTI YALI MUSAJJA MUKULISITAAYO DDALA EKYO NGA KIRABIKIRA MUNGERI JEYEEKWATANGA N'OKUNYERERA KUBUKULISITAAYO EMPULA QUDAIS BWEYAMWANJULIRA OKUMUSONYIWA

OLWOKUMENYA EKIRAGIRO KYE AMALE KUVA MUBUKULISITAAYO ASINZE BAKATONDA B'ABALOOMA ERA AMUFUULE MUKODOMI WE OKWO SAAKO N'OKUMUSEMBEZE KULUSEGERE LWE. WABULA VALENTINO EBYO YABIGAANA ERA NASALAWO OKUSIGALA NGA MUKULISITAAYO EKIJJA KIJJE, ERA BWATYO YASSIBWA KUKALABBA NGA 14 /02 /270. NGA MUKIRO KYA 15 /02 LWALI LUNAKU LW'ABALOOMA LWE BAKUZAANGA. OKUVA KWOLWO OLUNAKU LUNO LWATUMIBWA ERINYA LYA QUDAIS.

WABULA OLUVANYUMA LWOKUSAASANA KWOBUKULISITAAYO MU NSI ZABULAAYA OLUNAKU LWA NGA 14 / 02. BULI MWAKA LWAFUUKA NGA LWELUKULU ERA NEBALUTUUMA OLUVANYUMA LWA QUDAIS ,VALENTINES N'EKIGENDERERWA EKY'OKUZZA OBUJJA OKUJJUKIRANGA KABONA OYO (VALENTINO) KUBANGA MBU YASADDAAKA OMWOYO GWE KULW'ABAKULISITAAYO ERA N'ALWANIRIRA EDDEMBE LY'ABAGALANA NGABWEBAGAMBA.

EBYONNO BYEBYAFAAYO OBA JENVUDDE WOLUNAKU LWABAGALANA MUBUFUUNZE, NGA N'EKISINGA OKUKWASA ENNAKU KYE KYOKUBA NTI ABAVUBUKA ABASIRAAMU BANGI ABAWALA NABALENZE BABUZAABUZIBWA NEBEETABA MUBIKUJJUKO BYALWO; OLWOKUBA NGA ABASINGA KUBO OBUKKIRIZA BWABWE ( IMAAN) BUTONO ATENGA NABALALA BABIGENDAMU LWABUTAMANYA ATE ABALALA BAMBI TEBAFUNA KUBUULIRIRWA N'OKUWABULWA KUMALA OKUVA ERI BAMA SHEIKH ABALUNGAMYA NEBAFUNDIKIRA NGA BALUKUZIZZA. TUSABA ALLAH ATUTAASE NABO ABATAASE.

## OBUBONERO BWOKUKUZA OLUNAKU OLWO.

OBUMU KUBUBONERO BYOKUKUZA OLUNAKU LWABAGALANA, MULIMU OKWAMBALA ENGOYE EMYUFU OBA LANGI Y'OLUGOYE YONNA ENDALA JEBABA BALANGIRIDDE OKUKOZESEBWA NGA AKABONERO AKAKULU N'OKUSASAANA KWEBIMULI BYOMUKWANO EBIMYUFU NOKUWANYISIGANYA OBUBAKA OBUYOZAYOZA OKULUTUUKAKO SAAKO N'OKWEWEREZA EBIRABO EBITALI BIMU NE ZIKAADA N'OKUTEEKAWO EBIRABO ERI ABAGALANA ABANASINGA OKWOLESA OMUKWANO, ERA NGA OKUJJUKIZA N'OKWOZAYOZA OMUKYALA OBA MUGANZIWO KUMAKYA G'OLUNAKU OLWO MUMBEERA EYAKAJANJA KAMU KUBUBONERO OBULAGA OMUKWANO OGWANNAMADDALA OBA OGWEKIMMEMMETTE, ERA NGA OYO ATAYOZAYOZA MUKYALA WE OBA MUGANZIWE OBA NAATAMUTONERA KIRABO KYONNA ATWALIBWA OKUBA NGA  ATAMANYI BYA MUKWANO.

## OKULAMULA KW'OBUSIRAAMU KULUNAKU OLWO.

ABASIRAAMU TUTEEKEDWA OKUKIMANYA NTI OKUKUZA OLUNAKU LW'ABAGALANA (VALENTINES DAY) KIKYAMU ERA KYAZIYIZIBWA (KIRI HARAAMU). ERA NGA ABAMANYI BAFFE BONNA BEGATTA KUKUWEREBWA KW'OKUJAGUZA N'OKUKUZIBWA KWALWO.

**OBUJULIZI OBWESEMBESEBWA MUKULUWERA**.

OBUJULIZI BUNO BYEBIGAMBO BY'OMUBAKA NABBI MUHAMMAD OKUSASIRA KWA ALLAH NEMIREMBE BIBEERE KUYE BWEYASENGUKA NAAVA EMAKKAH N'AGENDA EMADINAH NAASANGA ABANTU BAAYO NGA BALINA ENNAKU BIRI MUNNAKU ZEBISEERA BYOBUTAMANYA ( JAHIRIYYAH)  NGA BAZIKUZA NABAGAMBA :

"إن الله قد أبدلكم بهما خيرا منهما ، يوم الأضحى ويم الفطر"

NTI "MAZIMA ALLAH ABAKYUSIRIZZAMU MUZO EZISINGA OBULUUNGI, OLUNAKU LWA IDD AL ADHUHA NE IDD AL FITRI "    OMUMANYI AYITIBWA IBN HAJAR AL ASQALAAN YAGAMBA NTI MUBIGAMBO BYA NABBI MUHAMMAD (S.A.W) EBYO TUKENENULAMU ERA NETUFUNAMU NTI TEKUKIRIZIBWA KWONGERAKO KUKUZA LUNAKU LULALA LWONNA OBA OKUKUZA NOKUJAGUZA ENNAKU ZAABO ABAGATTA KU ALLAH NEKINTU EKIRALA WADDE OKUBEEFANANYIRIZA, KUBANGA EKYO KIBA KUGUNJAAWO NAKUZUULA MUDIINI YAFFE.

ATE YE SHEIKH AYITIBWA ABU HAFSWA ALKABIIR ANNAFSI, (NGA OMU KUBAMANYI BA MADHIHABU GA IMAAM ABU     HANIIFA) YANYEZA NATTI KUNSONGA ENO NAGAMBA NTI "OYO YENNA ATONA EKINTU KYONNA, KAKIBE NGA KITONO NGA EGGI LYENKOKO ERI ABO ABAGATTA KU ALLAH NEKINTU EKIRALA KULUNAKU OLWO MUMBEERA Y'OKULUGULUMIZA NOKULUWA EKITIIBWA, ABA AKAFUWALIDDE ALLAH.

ERA NGA EBYO BIRI MUNDA WEKIGAMBO KYA NABBI MUHAMMAD (S.A.W) EKIGAMBA NTI

" من تشبه بقوم فهو منهم "

" OYO YENNA EYEFAANANYIRIZA EKIBINJA ABA WAMUKYO". OKUSINZIIRA KWEKYO FENGA ABASIRAAMU TETULINA BWETAAVU BWONA KWEFANAANYIRIZA BAGATTA KU ALLAH NEKINTU EKIRALA MUKUKUZA NOKUJAGUZA OLUNAKU LWABAGALANA WADDE ENNAKU ZAABWE ENDALA EZIGWA MUKKOWE ERYO.

OBUSIRAAMU TEBUGAANA KWAGALA KUBANGA BUKUWA EKITIIBWA ERA NGA KULINA AMAKULU AMALUUNGI. OMUMANYI OMU AYITIBWA SHEIKH IBN QAYYIM AL JAUZI ( ALLAH AMUSAASIRE) YAGAMBA NTI " OLW'OKWAGALA N'OKWAGALWA ENSI ENO NEGGULU BYATONDEBWA, ERA EBYO BYOMBIRIRI BILI MUBUTONDE BWABANTU, ERA NGA YENAMUZIGA OKUTAMBULIZIBWA EGGULU NENSI N'EBIRUBIRIRWA BYONNA BITUKIBWAKO KULWABYO, ERA NGA BWEBIYUNGA WAKATI WENTANDIKWA Y'EBINTU N'ENKOMERERO YABYO, ERA NGA BIGATTA WAKATI WEMYOYO N'EBYETAAGO BYAGYO NEBIGENDERERWA, ERA NGA BY'EBIYUNGA EMYOYO N'OMULEZI WAGYO EYAGITONDA ( ALLAH),
ERA NGA BYEBIVIRAKO OKUFUNA OBULAMU OBULUUNGI NOKUKOMBEZEBWA KUBUWOMEREVU BWOBUKKIRIZA (IMAAN), NOKUSIIMA ALLAH OKUBA OMULEZI WABWE N'OBUSIRAAMU OKUBA EDDINI YABWE NE NABBI MUHAMMAD OKUBA OMUBAKA WA ALLAH JEBALI".

ERA OMWAGALWA WAFFE, OMUBAKA MUHAMMAD (S.A.W) YALI KYAKULABIRAKO EKISINGA OBULUUNGI MUMUKWANO. ERA MAAMA AISHA MUWALA WA ABUBAKAR OWAMAZIMA.( ALLAH YASIIMA KUYE) ATUNYUMIZA NGA NABBI

MUHAMMAD (S.A.W) BWEYATUUKIRIZAANGA OMUKWANO MUNGERI EY'OLUGENDEREZO ERI MAAMA KHADIJA (ALLAH AMUSIIME)

N'AGAMBA NTI " SAFUNAKO BUJJA KUNNABI ERI BAKYALA BE NGA BWENAFUNA KU KHADIJA, ATE NGA AISHA YAFUMBIRWA NABBI NGA WAYISEEWO EMYAKA ESATU OLUVANYUMA LWOKUFA KWA KHADIJA, WABULA EKYO KY'AVA KU BIRUNGI AISHA BYEYAWULIRANGA NGA NABBI ABYOGERA KU KHADIJA NGA OYINZA OKULOWOZA NTI KHADIJA AKYALI MULAMU, OBA NTI MUNSI TEMULI MUKYALA MULALA ATALI YE , NGA NABBI (S.A.W) AYINZA OKUSALA EMBUZI NAWEREZAAKO ABENGANDA ZA KHADIJA OBA MIKWANO GYE, NGA OLUUSI ANGAMBA MUNVA NTEKEMU KU SUPU AWERAKO ASOBOLE OKUWEEREZAAKO MIKWANO GYA KHADIJA. EBYONNO BIRAGA NTI NEWANKUBADDE KHADIJA YALI YAFA NAYE OMUKWANO NOKWAGALA WAKATI WABWE TEGWAFA, OKWONNO KWE KWAGALA OKWANAMADDALA. EBYONNO BYEBIMU KUBYOKULABIRAKO BYOKWAGALA MUBUSIRAAMU.

ATE BBO ABATAKIRIRIZA MU ALLAH EBYABWE BYEWUNYISA, DIINI KI JEBOOGERAKO ERA KWAGALA KWANNABA KI KWEBAJAGUZA NGA BEBALABE BEMBEERA Y'OBUNTU ATE NGA ERA BALABE BA MITIMA GYAMBWE JENYINI?! EBYALO BIMEKA BYEBASAANYIZZAWO NOKUKULUUSANYA ABANTU, SENTE MEKA ZEBANYAKUDDE SAAKO N'OKUSAANYAWO EBY'OBUGAGGA BY'ABANTU?! BALUMBAGANA ABANTU NGA BERIMBISE MUKISIIKIRIZE KY'EDDEMBE LY'OBUNTU, ERA NEBATTA ABATALINA MUSANGO NGA BERIMBISE

MUDIBA LW'OKUBATAASA N'OKUBANUNULA!
ERA OKWAGALA KULI LUDDAWA ERI OYO AKOLA EBY'OKULANYISA BINNAMUZISA NAWANGALIRA MUKWONOONA NGA ABIGEZESEREZA KU BADDU ABANAFU NEKUNSI EZISINGA OKUBA ENJAVU? AKOLA EBYO YAMANYA DDI OKWAGALA NGA AYIWA OMUSAAYI GW'ABANTU ABATALINA MUSANGO, N'AFUULA ABAANA BAMULEKWA, NABAKYALA BANNAMWANDU.

OKWO SAAKO OKUWAMBA NAALUMANYA NE SALUMANYA, OYO ATALINA BWESIGWA NABWESIMBU AYINZA ATYA OKUBA N'OKWAGALA! BUTYA BWOSUBIRA OMUKWANO MYOYO ATAKUUMA NAKUTUUKIRIZA NDAGAANO, ERA DDI ABEBITIBWA LWEBAMANYA NTI EYEYISANGA ENSOLO ZOMUNSIKO WAMUBANTU OBA OKUSUUBIRA TIMBA OKUZAALA ETALI TIMBA?!.

MAZIMA ABAABULA NEBWEBOOGERA KU KWAGALA EBIKOLOBERO BYABWE BIBAANIKA ERA NEBWEBAGUWAANA BATYA NEBAGUWA EKITIIBWA, ABASIRAAMU FFE TUBASINGA MWEKYO.

AYAGALA OKUKASA EKYO FUNAYO OMUKYALA YENNA KUBAWAANGALIRA EBULAAYA OMUBUUZE KU BULAMU OBWAKAZIGIZIGI BWEBAWANGALIRAMU, MAZIMA BUJUDDE OBUNYOMOOFU NOKUKAKKANAYIZIBWA NOKUKOZESEBWA EBITALIIMU NSA, TAFUNA KUSAASIRWA KWANNAMADDALA OKUVA ERI BBA, MWANYINA OBA OW'OLUGANDA LWE WADDE MUTABANI WE, SINGA TAWAAYO MYOYO GWE TALINA AMUWA, ERA BWATATETEENKANYA NYO KUFUNA BYETAAGO BYE, AWANGALIRA MUBUZIBU OBUTAGAAMBIKA, EDDEMBE LYABWE ELYANNAMADDALA LYASAABULULWA, TERILIIWO

KUBA AMATEEKA AGABAFUGA MALYAZAAMANYA ERA MAKYAMU.

KALE BUTYA ABO BWEBAYINZA OKUTUFUNIRA OMUKWANO BBO BENYINI GWE BAALEMWA OKUFUNA??!!